# ENGERI EKIRWADDE KYA SSENYIGA LUMIMA MAWUGWE GYEKYAKOSAAMU EBYENJIGIRIZA MU MASOMERO AGALI MU LUBAGA, GGOMBOLOLA YE LUBAGA, MU DISITULIKITI YE KAMPALA

**BYA**

| | |
|---|---|
| **ERON SSEBALAMU** | **20/U/BAED/0240/K/D** |
| **ANNET  NTONO** | **20/U/BAED/0537/K/D** |
| **NAMAGANDA FLORENCE** | **20/U/BAED/0124/K/D** |


**EBBAGO LY'OKUNOONYEREZA OLW'OKUJJULIRIZA EBISANYIZO BY'OKUMALIRIZA DDIGULI Y'OBUSOMESA MU SSETTENDEKERO YA MUTEESA I ROYAL UNIVERSITY**

Muwakanya, 2023

## OKUKASA OBUSOOSI

Tukakasa nti ebbago lino tugenda ku lyekolera era ligenda kuva mu kulafubana kwaffe n'amanyi gaffe ate nga tusuubira okuluŋŋamizibwa obulungi.

Tukakasa nti ebbago lino terikolebwa ngako muntu yenna mu ssettendekero yenna.

| ERINNYA | OMUKONO GW'OMUYIZI | ENNAKU Z'OMWEZI |
|---|---|---|
| ERON SSEBALAMU | ______________________ | ________________________ |
| ANNET NTONO | ______________________ | ________________________ |
| NAMAGANDA FLORENCE | ______________________ | ________________________ |

## OKUKAKASA KW'OMULUŊŊAMYA

Kuno kwekukakasa kwange nti okunoonyereza kuno okukolebwa wansi w'omutwe "**Engeri ekirwadde kya Ssenyiga Lumima Mawugwe gyeyakosaamu ebyenjigiriza mu gwanga.**" nga nze omuluŋŋamya waakwo kwawedde bulungi era ebbago lisaanidde okuweebwayo mu kitongole ky'ebyenjigiriza ekya ssettendekero wa Muteesa I Royal University.

Omukono: ....................................................... Ennaku z'omwezi.........................

Ssabavuma Christopher
**Omuluŋŋamya**

# OKUWONGA

Nze Eron Ssebalamu mponga okunonyereza kwange eri maama wange omulungi omukyala Elizabeth Namutebi ne kitange mwami Ssebalamu Charles nkagi mwebale nnyo okumbererawo mu buli mbeera yonna.

Nze Annet Ntono mpoga okunoonyereza kwange eri maama wange omukyala Gorette Tibawa ne kitange mwami Joseph Senyonga mwebale nnyo okumbererawo mu buli mbeera yonna.

Nze Namaganda Florence mponga okunonyereza kwange eri maama wange OMUKYALA NASSOZI JANE ROSE ne kitange MWAMI KAKOOZA PETER mwebale nnyo okumbererawo mu buli mbeera yonna.

# OKWEBAZA

Wetutuusiza omulimu guno ku ddaala lino tugenze okulaba nga tetuyinza kwewala okwebaza abantu bano wammanga olwa byonna bye batukolera oba mu ngeri endala okulaba ng’omulimu gutuuka wano.

Tutuusa okwebaza kwaffe eri omuluŋŋamya ate omusomesa waffe akoze ogw’okuwabula n’okuluŋŋamya ku buli nsobi ezizze zikolebwa ez’enjawulo mu kunoonyereza kwaffe kuno omulimu negutakaluba nnyo, nti webale nnyo webalire ddala omulimu ogw’ettendo.

Twebaza mukama katonda olw’ekisa kye n’obugabirizi bwe mu misomo gyaffe

Mu ngeri eyenjawulo twebaza abasomesa baffe bano abatuyambyeko mu kusoma kwaffe ku ssettendekero ya muteesa I royal university; mwami Ssabavuma Christopher, Ssalongo Kaye John ne Mwami Ntege Buganda Aadolf

**OLUKALALA LW'EBIGOBERERWA**

OKUKASA OBUSOOSI ........ ii

OKUKAKASA KW'OMULUŊŊAMYA ........ iii

OKUWONGA ........ iv

OKWEBAZA ........ v

ESSUULA ESOOKA ........ 1

ENNYANJULA ........ 1

1.0 Ennyanjula ........ 1

1.1 Ebyafaayo by'okunoonyereza ........ 1

1.2 Okunyonyola Ebizibu ........ 2

1.3 Omugaso gw'okunoonyereza ........ 3

Okunonnyereza ku ngeri ekirwadde ssenyiga lumiima mawugwe gye kyakosamu ebyenjigiriza mu ggwanga Uganda, nga beyambisa amasomera agali mu Lubaga. ........ 3

1.4 Ebigendererwa by'okunoonyereza ........ 3

1.5 Obugazi bw'okunoonyereza ........ 3

ESSUULA EY'OKUBIRI ........ 4

OKWEKENNEENYA EBIWANDIIKO ........ 4

2.0 Ennyanjula ........ 4

2.1 Ebizubi amasomera ga siniya byegasingaana nga gasomesa kumikutu jempuliziganya mu biseera bya ssenyiga lumiima mawugwe ........ **Error! Bookmark not defined.**

2.2 ENGERI SSENYIGA LUMIMA MAWUGWE JEYAKOSAMU AMASOMERO GA SINIYA ........ 4

ESSUULA EY'OKUSATU ........ 8

OLUWENDA LW'OKUNOONYEREZA ........ 8

3.0 ENNYANJULA. ........ 8

3.1 EBINEEYAMBISIBWA MU KUNOONYEREZA. 8

3.2 EBIBUUZO EBY’OKUMIMWA. 9

3.3 OBUTUUKIRIVU N’OBWESIGIKE BW’EBINTU EBYAKOZESEBWA. 9

3.4 EBIBUUZO EBY’OKUJJUZAAMU. 9

3.5 EBIZIIBU EBISUUBIRWA. 9

EMBALIRA Y’ENSIMBI 10

ENGABANYA Y’OBUDDE 11

# ESSUULA ESOOKA

# ENNYANJULA

## 1.0 Ennyanjula

Essula eno erambika ebyafaayo by'okunoonyereza, ekizibu, okunyonyola ebizibu, omugaso gw'okunoonyereza, ebigendererwa by'okunoonyereza, obugazi bw'okunoonyereza n'omugaso gw'okunoonyereza.

## 1.1 Ebyafaayo by'okunoonyereza

Ekirwadde kya Ssenyiga lumima mawugwe yantandikira mu china, mu ssaza lya yuan mu mwaka gwa 2019 mu mwezi gwa musenene, era wano we yava nasasaana mu mawanga amalala. Mu mwezi gwa gw'okusatu mu mwaka 2020, ekirwadde kya Ssenyiga lumima mawugwe ekiretebwa akawuka ka "Corona Virus" kyalangiririrwa nti kyali kirumbye ensi Uganda, era nga wano ne omukuembeze w'eggwanga mwami Museveni Kaguta Yoweri naye yakirangirira are nagalawo ensi yonna mu by'entambula, naggala amasomero n'ebintu ebirala.

Ekirwadde kya Ssenyiga lumima mawuggwe kyakosa nnyo ebyenjigiriza mu gwanga Uganda ne mu nsi yonna, ekirwadde kino wekyabalukirawo kyavirako amasomero okugalwawo mu ngeri yokwewala obulwadde okusasaana.

Ekirwadde kya Ssenyiga Lumima Mawugwe kyakosa ensi yonna and nebitongole ebyenjawulo byakosebwa nnyo ebbanga ddene. Kyali kizibu nyoo abantu okuddukanya bizinenzi zaabwemu mbera eyeyagaza olwensonga nti obwetaavu bwebintu bwakendeera nyo mu kaseera ako mu mbeera y'okukolagana nebanaabwe.

Abantu abaafunanga akawuka kano/obulwadde buno obwa Ssenyiga Lumima Mawugwe byamenya nga ebyafaayobuli lunaku olwensonga nti bwali butambulira ku misinde gyawaggulu nnyo egyali jitiisa buli omu.

Era ebibuuzo bingi byamerukawo for zirukanya ya bizinensi, ebyensoma, ebyenjigiriza, obulimi, okusubuligana na mawanga amalala mu bantu ba bulijjo n'ensi yonna okwatwaliza awamu (Casero, 2020).

Okutandikawo amasomero obudde obwo kyali kizibu nnyo ate era nga kuntunda mwoyo ng'enkoko emira ensanafu naddala nga omuwendo gwa balwadde engeri gyegwali guddukira ku misinde gye kizungirizi.

Maldonado ne De Witte (2020) mukunonyerezakwe yalaga nti ssi kuba nti bayizi bokka bebali bakola obubi mu byensoma byabwe olwa masomero okugalwa, naye ne obutenkana kw'okusoma nakwo kweyongero mu masomero, ate era nga kino kyava ku busobozi bw'ebyefuna obwali buserebye mu bazzadde bangi nga tebakyasobola kugulira baana baabwe ebyetagisa okusomera ku mutimbagano gw'empuliziganya ezali zikyase mu kasera ako.

## 1.2 Okunyonyola Ebizibu

Obuyigirize kitwalibwa nga kyamuwendo nnyo eri enkulakulana mu bitongole ebyanjawulo mu Uganda. Okusinziira ku (Tumwesige, 2020) ebyenjigiriza lye ggwanga era singa tebifiibwako, eggwanga terisobola kukula.

Ekirwadde kya ssenyiga lumiima mawugwe kyamerukawo mu nsi yonna nga kisibuka mu china, bangi bakafiiramu, amawanga manji gadda emabega lwa kirwadde kino, n'ebyenjigiriza byebimu kubyasinga okukosebwa ekirwadde kino. Newankubadde bingi byakolebwa okutangira okirwadde nga muno mwemwali no kugala amasomero era abaana bwe batyo batandiika okusomera ku mikutu gyempuliziganya nga ladiyo, "zoom", n'emikutu emirala mingi.

Kino kyasikiriza abanonnyereza, kwekukola kwagala okunonnyereza ku ngeri ekirwadde ssenyiga lumiima mawugwe gye kyakosamu eby'enjigiriza mu ggwanga Uganda, nga beyambisa amasomera agali mu lubaga.

### 1.3 Omugaso gw'okunoonyereza

Okunonnyereza ku ngeri ekirwadde ssenyiga lumiima mawugwe gye kyakosamu ebyenjigiriza mu ggwanga Uganda, nga beyambisa amasomera agali mu Lubaga.

### 1.4 Ebigendererwa by'okunoonyereza

Okunoonyereza kuno kugendereddwamu okuzuula ebintu bino wammanga;

1. Okuzuula engeri ssenyiga lumima mawugwe gye yakosaamu amasomero ga siniya mu Lubaga
2. Okusala empenda okuyamba ebyenjigiriza okuva mu bizibu ebyeratebwa ssenyiga lumima mawugwe mu masomera g'omu lubaga

### 1.5 Ebibuuzo mu kunonnyereza

1. Ngeri ki ssenyiga lumima mawugwe gye yakosaamu amasomero ga siniya mu lubaga?
2. Mpenda ki ezisobola okuyamba ebyenjigiriza okuva mu bizibu ebyeratebwa ssenyiga lumima mawugwe mu masomera g'omu lubaga?

### 1.5 Obugazi bw'okunoonyereza

Okunoonyereza kuno kugenda ku kolebwa mu somera ga siniya mu ssaza lye kyadondo, ggombolola ye lubaga mu ddisitulikiti y'Ekampala. Era nga yewali n'amasomera ag'enjawulo omunonyereza gagenda okukoleramu okunoonyereza kwe omuli Mackay Memorial College, St. Edward Secondary School, n'amalala mangi.

## ESSUULA EY'OKUBIRI

## OKWEKENNEENYA EBIWANDIIKO

### 2.0 Ennyanjula

Essuula eno erimu ebiwandiiko eby'enjawulo ebyajulizibwa okuva mu banoonyereza abasooka okunoonyereza ku kizibu kye nanoonyerezaako. Essuula eno eraga bulungi abanonyereza ebiwandiko, ebitabo, amawulire gebasoma nga besigama ku bigendererwa by'okunonyereza

### 2.1 ENGERI SSENYIGA LUMIMA MAWUGWE GYEYAKOSAMU AMASOMERO GA SINIYA

Okusinzira ku kunonyereza kwa Daniel (2020), yakizuula nti

Ekimu ku bisomooza amasomero awamu n'amatendekero agawaggulu by'egasisinkana kw'ekuddabiriza abayizi babwe. Mu kulowoozakwa Daniel agamba nti abasomesa n'abawi ba magezi basobolera ddala okuddabirizi abaana abali mu mbeera enzibu. Olw'okubeera ekirwadde ekya ssenyiga lumima mawugw,  gavumenti ya Canada yatekawo enkola ey'okuyamba abantu mu by'obulamu awamu ne by'ensimbi. Newankubadde nga abayizi okuva mu nsi ezenjawulo babeera abantu abetaaga obuyambi, batwalibwa nga abatuuze abakaseera akatono tebakirizibwa kwetaba mu nsonga ezo. Abayizi abagwiira bali basisinkana okusomoza mu byobulamu eri okusoma kwabwe olwo'kujja kwe kirwadde ekya Sseniga lumima mawuggwe,  okuggalawo kwa matendekero agawaggulu kwandiretawo okw'ekyaawamu bayizi abomunsi ez'enjawulo. (Firang, 2020)

Kagan ne Cohen (1990) ne Sewell ne Davidson (1961), bakizuula nti

Omumativu obwenjawulo mu bumanyirivu mu byokusoma awamu n'okukiririza mu buwangwa obupya eri abayizi okuva mu nsi ezenjawulo yemalirira newankubadde nga omwana oyo akozewo empuliziganya  emala mu bulamu bwe obw,abulijjo mu kifo kye mw'asomera.

Okusinziira ku Kaparounaki et al., (2020) "Kizuulibwa nti abayizi abasoma obusawo abawerera ddala akasanvu mu kikumi ana mu ssatu bazuulibwa nga bekyaaye olw'ekirwadde ekyo kubanga kyaletawo okusomooza mu bulamu obwabulijjo awamu n'okubalwiisa mu kusoma kwabwe (CAO et.al. 2020).

Okusinziira ku McGrath (2018) yagamba nti;

ebizibu mu matendekero ga basawo mu kusomera ku mitimbagano kisobola obutabawo budde bumala, obutafuna bukugu bumala, ebikozesebwa ebitamala n'obuyambi obutagasa muntu yenna kwenyigiramu.

Ate ye Burns (2011) yalaga waliwo ebiremesa bisatu;

Ebiremesa bisatu ku buwanvu mu byensomesa mu basomesa nga bakozesa emitimbagano, obutabo nabumanyirivu ku nkozesa y'emukitu mu gatta bantu, obutafuna bukugu bumala okuva my bayigiriza n'obutaba na buyambi kubikozesebwa.

Okusinziira ku kunoonyereza kwa Apriyanti (2020) yakizuula nti:

Abazadde abalina abaana mu bibiina ebisookerwako baafuna ebizibu mukiseera kya ssenyiga lumiima mawugwe okugeza tebasobola nga kulaga nga baana baabwe mu kusoma n'abaana benyini tebasobolanga kukakana nga basoma, tebalina suubi kusoma, okugenda kussomero, tebasobola nga kusomera ku mitimbangano n'ebikozesebwa mukusomesa nga tebimala.

Fauzi et al. (2020) yazuula nti:

Abasomesa baasanga ebizibu mu biseera bya ssenyiga lumiima mawugwe okugeza emirimu gyabula, empuliziganya n'enkozesa ya tekinolojiya, enteekeateeka, okusamunkolan'okugeragеranya eby'ensoma n'okukolagana nabazadde.

Okusinziira mu kunoonyerezakwa Mailizar nebane. (2020) bakizuula nti

Okusinziira mu kunoonyereza kwa mailizar ne bane (2020) bakizuula nti abasomesa, amasomero, n'ebigobererwa mu byensoma n'abayizi bye betaagira ebina ebyakosebwa mu biseera bya ssenyiga lumiima mawugwe, abasomesa baasanga obuzibu mu kubunyisa ebyenjigiriza mu kiseera kya ssenyiga lumiima mawugwe okugeza abana embeera gyabaliimu, abayizi obutenyigira mu kusoma n'ebyekusomera ku mitimbagano.

Okusinziira Mari and Sakac (2014), yalage nti;

Ebizibu ebisinga okulemesa abaana okukola obulungi mu mbyensoma bisobola okugabanyizibwa mu ebyomunda n'ebintu ebibagatta awamu. Bakizuula nti ebiremesa eby'omunda byakosa nnyo abaana mu by'ensoma yaabwe omuli ebiva mu bisomesebwa okutamatiza. Ebitugatta awamu mulimu okweewa ekitibwa n'okusiima ababa bakoze ebirungi nga tubawa ebirabo.

MeenuDev (2016) yawandiika nti;

Omutendera gwabayizi kwebyo ebisomebwa bikosa ebyenjigiriza. Abayizi ku masomero n'ebyo byebaagala mu kusoma bikosa ebyensoma byabwe.

Akinsolu

Akinsolu (2010), mukunoonyereza kwe yakakasa nti ;

Enkolagana y'abasomesa n'abaana, omusomesa byayitamu n'ebisanyizo birina ebisomoozo ku kuyita mu byensoma.

Okusinziira ku Ehiane (2014) yategeza nti

Eneeyisa ennungi mu ssomero erina okukozesebwa okufuga eneeyisa yabaana kabanga kyongerako kinene ku kusoma n'okuyita kwabwe.

Ate Simba, Agak ne Kabuka (2016) nebafundikira okunonyereza kwabe nti

*Okweyisa obulungi kulina enkologana ennugi n'okuyita era nga kwongerako oba okulongoosa mu kuyita kw'abaana n'olwekyo eddaala mu nneeyisa y'abaana erina okutekebwako essira.*

Zyngier (2014) yagamba nti;

omuwendo gw'baana bwegubeera omutono mu kibiina ate nga gugatiddwako okusomesa okulungi era okutuufu kiretera okuyita kw'abaana okubeera okulungi (okubeeramu ensa).

At'era, Bakasa (2011) yakizuula nti

> *"ebigendererwa bya masomero nga okusomesa okulungi nga bigatiddwako omuwendo gwa baana mu kibiina bikola kikulu nnyo ku kuyita kw'abaana. Yayongera nalaga nti tewali njawulo nnene wakati ku muwendo gwa baana mu masomero ago mu bibuga nago agali mu byalo ku kuyita awamu n'okusoma kw'abaana.*

Okusinziira ku Sabitu, Babatunde ne Oluwole (2012) bakizuula nti;

*"waliwo enjwaulo ennekufifu mu byetaago bya masomero ga gavumenti awamu nago ag'omuntu ssekinoomu wabula mu nsonga ey'okuyita obulungi tewali njawulo. Ebyetaago by'essomero nsonga nkulu ddala eri okuyita okulungi.*

## 2.2 EMPENDA OKUYAMBA EBYENJIGIRIZA OKUVA MU BIZIBU EBYERATEBWA SSENYIGA LUMIMA MAWUGWE MU MASOMERA G'OMU LUBAGA

## ESSUULA EY'OKUSATU

## OLUWENDA LW'OKUNOONYEREZA

### 3.0 ENNYANJULA.

Mu ssuula eno omunoonyereza alaga engeri okunoonyereza gye kunakolebwamu n'empenda ezinatemwe mu kunoonyereza.

### 3.1 EBINEEYAMBISIBWA MU KUNOONYEREZA.

Omunoonyereza ajja kweyambisa ebibuzo ebyokumimwa wamu n'ebyokujjuzaamu nga bigenderera kuzuula engeri ekirwadde kya ssenyinga lumiima mawugwe gyekyakosaamu ebyenjigiriza mu ggwanga. N'empenda ez'okuyitwamu okusobola okuyamba amasomero ga siniya okuva mu bizubu ebyaretebwa ssenyinga lumiima mawugwe.

Abanoonyereza bawa abaana mu mumasomera omwaganya ba babuulire engeri gye gyebakosebwamu ekirwadde kya ssenyinga lumima mawugwe, saako n'abasomesa nabo bawebwa omwaganya okwanja engeri gyebakosebwamu mu biseera bya ssenyiga lumima mawugwe.

EDDOBO ERYEYAMBISIBWA

Abanonyer

### 3.4 EBIBUUZO EBY'OKUJJUZAAMU.

Ebibuuzo ku n'abayizi bbo bajja kuba basobola bulungi ebiibabuuziddwa n'okuwandiika era bajja kusobola n'okuddamu obulungi.

**3.2 EBIBUUZO EBY'OKUMIMWA.**

Ebibuuzo eby'okumimwa bijja kubuzibwa abantu abalondemu naddala abenkizo mu nsonga enonyerezebwako okugeza omukulu we'somero, abasomesa, akulira ebyuuma bikalimagezi ku somero nabalala abenkizo mu nsonga eno.

**3.3 OBUTUUKIRIVU N'OBWESIGIKE BW'EBINTU EBYAKOZESEBWA.**

Omunoonyereza okuzuula nti byeyeyambisa bituukiridde era nga byesigika era yaasooka kwebuuzaako ku muluŋŋamya we oluvanyuma lw'okubikkanyaako ebirowoozo era aja bigezesa mu bantu babulijjo okugeza bayizi banne ku Ssentendekero abamanyi obulungi okuwandiika.

**3.4 EBIBUUZO EBY'OKUJJUZAAMU.**

Omunonnyereza ajja kuwandiiko ebibuuzo ku lukanganga, era lujja kuweebwa abantu ku somera okusobola okuteekamu akagolole ku kidibwamu ekituufu. Ebibuuzo bino abayizi bajja kuba basobola bulungi okubiddamu ebiibabuuziddwa n'okuwandiika era bajja kusobola n'okuddamu obulungi.

**3.5 EBIZIBU EBISUUBIRWA.**

1. Omunoonyereza yeralikirira obudde ate ng'ebyokukola ajja kuba alina bingi ngamba ng'okusoms ebitabo bye kuba ajja kuba mu kaseera ke akasembayo akole ebigezo bye ebyakamalirizo asobole okutuuka ne ku bantu mu bitundu awalondebwa nasobola okumaliriza omulimu gwe mu budde
2. Omunoonyereza yeralikirira obuzibu bw'ensimbi kubanga bwaliyinza okukosa mu by'entambula ye, okukkubisa akatabo n'ebirala ebiringa ebyo.
3. Omunoonyereza yeralikirira abasomesa, abayizi n'abantu abalala ab'okubuuza obutaba na budde ng'ababuuza ebibuuzo mu okubaggyako obubaka bwayagala.

## EMBALIRA Y'ENSIMBI

| **EBINTU EBY'ETAAGISA** | **OMUWENDO** | **OMUGATTE (SHS)** |
|---|---|---|
| Empapula | 100x50 | 5000 |
| Ekkalamu | 2x500 | 1,000 |
| Entambula | 50,000 | 50,000 |
| Empuliziganya | 5000x2 | 10,000 |
| Okukuba akatabo | 20,000x2 | 40,000 |
| Okussa mu kyapa eddiba ku katabo | 10,000x2 | 20,000 |
| Okukwata amaloboozi | 6000 | 6000 |
| Ebyokulya n'okunywa | 20,000 | 20,000 |
| Ebigwa bitalaze | 30,000 | 30,000 |
| **Omugatte ogwawamu** | | **182,000** |

**ENGABANYA Y'OBUDDE**

| **EKY'OKUKOLA** | **EBBANGA** |
|---|---|
| Okuwandiika ebbago ly'okunoonyereza | Omwezi gumu |
| Okugolola ensobi eziri mu bbago | Olunaku lumu |
| Okubaga ebibuuzo by'okunoonyereza | Ennaku ssatu |
| Okunoonyereza kwenyini, okwekeneenya, okufulumya ebbago eriwedde. | Omwezi gumu |
| Ebizuliddwa n'okubikubaganyako ebirowoozo | Wiiki bbiri |
| Omulungamya, okwekebejja ebizuliddwa | Ennaku bbiri |
| Okwewayo ebbago eriwadde | Olunaku lumu |